TUFUUSE BA MUK\'OMUSIBE?????

Posted by ssewa - 2008/05/17 21:01

Emirundi mingi obeera awo newetunulira ne kaki kewekolede,nolaba nga dala ogwanide okubako gwosembeza mubulamu bwo..buli omu abeeze beeze mune.....

Tokoma kubirowozo,noyiya yiya wetyuninze totandise kupaaza mwana muno nobulabolabo;tomukyayisiza abazade nabe mikwano..anti wuwo takyabalabawo ...nakwewa era nakwemalirako...emirundi mingi kikuyisa bubi bwaba nga tali nawe kusawa endagaane..era naye olwomukwano omungi neyelesa ebirungi mulinya lyomukwano.....

Laba omukwano guba gukulide dala nga Naye mwatu dala obwongo bwe obulide;olwensonga gwe zomanyi todandise kufuna byekwaso..anti maama leero sisobode.."omukadiya omuyita maama ..alinga yakuzala.." Gasajja mwe!!

Munange anti munange network teyabadeko,esimu yange yawedeko omuliro,anti bus yandese,ate twabade ne ka party ku mulimu..nebirala nga bwemubimanyi.....bino byona simanyi lwaki wasobolanga okubyewala nga okyamukwana???? Naye bwemutyo.....

Mpozi eyo nga nvudeyo..nze ba connectors njakubagamba kino.....mwatusendasenda nemutuleta wano..nafe netwerekereza netubawa akaganyi mu time yaffe..kati mwefude busy..bwemutaba busy nemuta ebyuma...Munansoyiwa naze kulwana naye kansoke yomba.....

Weekend ewede waliwo eyali ayigirira okwogera,nalyoka oyogera byona byebaluza abalongo..naye nze samutwala nga kikulu kubanga ensonga nazirabira wala..anti buli lwe yasulangawo egambo..ate eno nga wabawo atulagirira ewa "www.karibufm.com"...gwe olowooza nti ..waliwo ekija nga tekirina nsonga.....

Kati abalina omukwano ogwa kajanja munvume ..nti nsomede ba connectors..mbalabe.Omanyi ....ensega tezitera kulumba nyama ntereke..wabula zitera kulumba eyo esulidwa awo...ye ate singa bwewefula busy.."Tofa" nakusigula omukazi,ate nga ogwa edalu?Kale ba connectors nze mbawa gabuwa ..omulimu oba erinya lyemukolede ebanga ligenda kubafa mukasera katono dala...

Mwasigula omwana wabandi nemumuyigiriza omukwano..kati mumusuliride...mulowozeza nti mwamutuuza niya takyalina gyada.takyaliku mpagala....mwelabide nti ekitoke kifa nsalira...hehe..mbasekerede..."karibu" wuyo..muzukuke...simanyi oba ekyo mukilowoozezako?..tewali songa yona lwaki eryanda lyesimu ligwako kati,oba network ebula kati....

Wabula mbade nsaba tuleme kubera badugavu nyo munzirukanya yemirimu gyafe...wewawo..tetwabasaba kutandika radio..naye mujukire mulina obuvunanyizibwa..jetuli ..nga omusaja bwalina nga aje omwana wabandi mumaka gabazade..namutwala ewuwe..singa amusulirira....buba butaba nabuvunanyizibwa ate mubifo ebimu guba musango.....temukitwala nti mukwana muk'omusibe nti nti muja kusimba nemikono...muswade tukyalimu ekinyuzi.

Nsaba obubaka bwange mubutwale mumutima mulungi....temubugumirira...oba okusunguwala...baibuli etugamba agana okubulirirwa.....mwemalireyo.....

Nzizeyo ekyagwe.....owekiisa ekingi abankumire

Paulo ezra

==========

Re:TUFUUSE MUK\'OMUSIBE?????

Posted by rambuka - 2008/05/17 21:26

---

free was and is connect uganda.com-----time after time i rambuka was requesting-forum members-diplomatically to think about the future and how we could maintain our radio---all in vain--proposal--rejected by you type---you know karibufm.com----will die now we know the good enemies of connect uganda.com---money let mike talk-18-05-2008---------GOD bless connect uganda.com-------rambuka

==========

Re:TUFUUSE BA MUK\'OMUSIBE?????

Posted by ssewa - 2008/05/17 22:20

Attn: Mr.rambuka

pledging everlasting allegiance to connect will not put things right,its very important that we actually face the reality..nanyinimu wataba..olugero lwemalireyo...what im trying to say is that the connectors are squarely responsible for whatever that has come up..The truth is that they have never given any genuine explanation for being off line for a month,,its not enough to say we are sorry and disappear like that...we have to note that schemers are taking advantage of this situation..naye ensonga bwonozitekamu omukwano gwa movement olabise okubitegera kifula nenge..naye kansubiire nti sinze akufunye obukyamu....

I think at this at this stage connect yafena.....tekyali "muyiggo"..so tulina okugizimba nga tuwa positive critism...sikuwana buwanyi newekitasanide...connector agamba atya nti."onkukunudeyo"..ekyo nze sakitwala nga kyabugunjufu ..munansonyiwa..naye nga bwe nagambye nabade nzize kulwana naye kanyombe buyombi...by the way if any other station comes up life may never be the same..

otherwise thanks for your contributions.....

Nze mukulu wamwe

Paulo ezra

==========

Re:TUFUUSE BA MUK\'OMUSIBE?????

Posted by JeenaJulia - 2008/05/18 09:40

Kino kyebayita "OMWOYO GWA CONNECT" bulijjo gwembagamba.Kati bambi abamu batandise kwelabila mukifananyi kya mukómusibe.Oba Sheilla,Beat ne Rickman bo ate balowoza ki?:dry:

==========

Re:TUFUUSE BA MUK\'OMUSIBE?????

Posted by Meli - 2008/05/18 10:23

Nze ndowooza ba connectors baffe bwetuba tetubalaba kitegeeza nti balina obuzibu. Sirowooza nti bakikola mu bugenderevu okutwewulirirako, oba munzikiriza okukiyita bwentyo. Ate Radio zino ne Web yennyini zirina omulimu muneene ate nga omuntu alina nokukwaata omurimu gwe kubanga simanyidde ddala ezisinga bwezisobola kukola sente. Nolweekyo ndowooza mu butuufu tugumikirize, osanga byebatuyiyiza bya ssaava. Ffe tulinde nga twesunga ebyuuma bwebinaggwa okunyoolanyoola kiki ekinaaba kitukibbwaako.

Ku nsonga ya Karibu, nayo tugirabye. Ate Karibu ssi yesoose, waliwo nendala, nga neyobujajja nayo kweeli. Naye nze sirabawo mutawana gwonna mu kubeerawo kwa Karibu nendala kikumi oba lukumi. E Uganda fm radios ziri mmeka? Yye nno ate bwotebereza eziri mu nsi endala eeh!! Kati ku kino ekya internet, America, China, Sweden, German, Britain etc... zirina internet radios ne forums mmeka? Muleke tukulakulane, tekirina nsonga yonna. Infact kirungi. Uganda egende mu maaso. Ate ebikolwa bwebiti bwebikolebwa abamanyi, so much the better. Naffe ebbeeyi erinnya. Bonna tubasabire beyongere mu byonna byebakola, luliba olwo nga tugamba, nti abo nno bannaffe twaali nabo ku connect. Kati abemboozi mukwazze nga temulina nsisi yonna.

http://connectuganda.com/images/fbfiles/images/CA4PSW1V-ee15b633510c7620c7a0d9e8658a11d2.jpg

==========

Re:TUFUUSE BA MUK\'OMUSIBE?????

Posted by Sefrex - 2008/05/19 12:28

Eeeeeeeeeehh banange senga nsosekulaba bino maybe osanga i wouldn`t have posted what`ve just posted but all the same banange muve mukwekwasa esonga eno neri atera nze nandilowozeza nti sikilungi kwogerera ba connectors mubaleke bo bwebaliyagala balyeyogerera kubanga tekigasa atte kulabikanga abanenengana munsonga zokubelawo kwa connectuganda kubanga ffena twasanga nsange era sikiwantino waliwo kuffe amanyi ba connectors ensonga zabwe kaleno nolwekyo banange nze nsaba tubawe ekisela ok.

Okubulabula enyo ndi mabega mumawulire anti negino egya kayisali banange nakasela ka parliameent enaku zino sikyakalaba wabula tuwangale atte nekilala ekikulu banange muleke kulaba new innitiatives zabalala nga ekibi enyo eyo endowoza eri too primitive era nga mukulu Meli bwagambye nti muleke tukulekulane tekilina nsonga yona.

Once again welcome to karibufm competition is a very healthy sign of how far we are developing in terms of ugandan innitiatives in the diaspora let the sky be the limit.

Akuume atakumira mpeera.

==========

Re:TUFUUSE BA MUK\'OMUSIBE?????

Posted by robster - 2008/05/24 07:13

---

bakiise banange munansonyiwa naye ndi mugonvu ddala embavu ninamu zamuswaba oba luyite olusulujju lwenyini! naye nsonze nagomumubuto mpiteko mulukiiko naye nga embavu zinfamba.enkya bwesilabikako mu mukigango temunenya mumanye nti lukyambala mbirizi naye esala nzetaaga.

kunsonga eno ndabyemu ekitali kituufu kubattesa abamu nengamba ne bwesibeewo mubambulize binno.

omwana azalibwa bwakula takola maka gage? naye awo abayewagudde bwewaguzi? mbandowooza esanyu lyomuzadde mwana kufumbilwa oba kuwasa?nomuganda agamba nti asenga akwaliza bisulo..... kati olwo

ekilala tumanyi kyebatuseko ne ngwe nandiyise taata(mike) kubanga okusajjakula lyesanyu lyomuzadde nati ndowooza Mike yemuntu asinga okuba omusanyufu kubanga yazala connect kati azukuza karibu ! kati ekitukayanya kiki?

naye ndaba kiba kibi okutema omuntu entega ,bagamba gakuwebwa muno nomuweesi ekimuzimbya kukubo!

obukunganya nobutetenkanya bwa mike ngamba bwebusoboseza okuzala omwana omulala mukifo kyokuvumirira twebaze nokulaba nti connect ekusajja kudde!

bwemba ndowooza bubi nsasilwe nanti nesujja lindi bubi

naye obwagazi obungi tebutwerabiza kwefumintiriza "SINGA OBADDE GGWE"

abankumire omutenza ggulu.

==========